# Okusala bajeti ya KCCA kibeeraliikirizza ku mpeereza

Bya HANNINGTON NKALUBO

GAVUMENTI esaze obuwumbi 300 ku bajeti ya KCCA, ekireeseewo obweraliikirivu ku mpeereza y'emirimu.

Loodi mmeeya wa Kampala, Erias Lukwago yeemulugunyizza nti ssente nnyingi ze baali batadde mu mbalirira ya KCCA okukola ku bintu eby'enjawulo naddala okulwanyisa amataba, Gavumenti ezibammye.

Yalaze nti ku nsimbi obuwumbi 916 ze babadde batadde mu mbalirira y'omwaka 2026 – 2027 okukola ku bizibu bya Bannakampala naddala amataba, Gavumenti yazisaze n'ebazza ku buwumbi 718 zokka.

Kino Lukwago yakiyise kubonyaabonya Bannakampala kubanga omwala gwa Lubigi gwokka, baagubalirira okumalawo obuwumbi 69 okugukola gutwale bulungi amazzi gonna kumpi agava mu Kawempe.

Lukwago era yalaze nti baagala okuzimba obutale bubiri mu buli ggombolola, okutereeza ebyentambula n'okuteekawo amataala ku buli luguudo. Yalaze nti amalwaliro ga KCCA gasaana okugaziyizibwa ssaako amasomero ga UPE agali mu mbeera embi.



Erias Lukwago nga bamulaga ebimu ku biwandiiko.